



Ebikulu Ebifa ku Mbeera y'Ebirime Ebyembala mu Busuubuzi Bwensi Yonna

Bya Clive James, Omutandisi era Ssentebi w'Ekitongole kya
ISAAA

Buno bwe bufunze bwe nnyingo enkulu eziri mu kiwandiiko kye 2008 ekifa ku bimera ebyekika kya Biotech (oba ebyembala) ekyekenenyezebwa mu kiwandiiko Nnamba 39 ekye kitongole kya ISAAA (Laba omukutu (<http://www.isaaa.org>)).

Oluvannyuma Iw'ebirungi eby'omuddiringanwa mu byenfuna, obutonde bwensi, awamu nembeera ya bantu, abalimi obukadde 13.3 abali mu biti eby'enjawulo, gamba nga abalimi abamaanyi, n' abekigero naabo abatalina byakozesa bimala, bayongera okulima ennyo ebimera eby'embala mu 2008. Okukulakulana kuno kweyongera mu 2008 mungeri endala enkulu zino wansi:

- Amawanga mangi munsi yonna genyigira mu kulima ebimera eby'embala.
- Afirika yakulaakulana nnyo munsonga eno, wadde nga esomoozebwa mu bintu bingi.
- Okwongera okukozesa ebikula ebyenjawulo mu birime ebyembala.
- Okutandiikibwaho kw'ekikula eky'ekimera eky'embala ekipya.

Enkulakulana zino nkulu nnyo okuva Iw'ebimera eby'embala gye biyamba ku nsonga ezikwata ku bizibu abantu bona munsi byebasanga , gamba ng'obwetaavu bw'emmere y'abantu n'ebisolo n'omuddo, emiwendo gy' emmere emisaamusaamu, entegeka ezolubeerera, okukendeeza ku bwaavu n'enjala n'okutaasa ku bizibu ebijjira mu nkyukakyuka y'embeera y'obudde.

Ensi ezirma ebirime ebyembala (biotech) zeyongerera ddala neziwera 25 -- ekyafaayo ekyenkukunala -- omuggundu gw'okwettanira okukozesa ebimera bino gwayamba ku nkulakulana yensi mu kutwaliza awamu.

Mu Afirika, ensi ezikozesa ebirime bino zeyongera okuva ku emu (South Africa) mu 2007, nezituuka ku ssatu mu 2008, nga Burkina Faso ennimi ya ppamba, ne Misiri erima kasooli, nga zisimba ensigo z'embala (biotech) omulundi ogusooka. Mu Latin Amerika , Bolivia (ngerima RR ne soya bean) yakwaata ekifo kya mwenda munsi zeeyo ezikozesa ebimera bino.

Ennimiro ze bimera bino (biotech) zeyongera okuwera mu 2008 okumala emyaka 13 egy'omuddiringanwa, ebitundu 9.4 ku buli kikumi, bwe bukadde 10.7, obwa hekiteya z'ennimiro, awamu neziwera obukadde 125 obwa hekiteya oba hekiteya obukadde 166 obwezikula ky'ekirime ky'embala kyokka (trait hectares). Kino kyenkanankana ne bitundu 15 ku buli kikumi, bwe bukadde 22 obwa hekiteya ze kirime kino obweyongerako.

Okweyongera kwa hekiteya zino emirundi 74 okuva mu 1996 kulaga ebimera by'embala (biotech) bwe bifuse technologiya w'ebirime asinga okwettanirwa.

Mu 2008, nga gwe mulundi ogusooka, omuwendo gwennimiro ezirma ebimera by'embala (biotech) okuva mu mwaka 1996 okutuuka 2008 gwassuka obuwumbi bwa yiika 2 (ze hectare obukadde 800). Kyatwala emyaka 10 okuweza akawumbi

akasooka aka yiika mu 2005, naye ate nekitwala emyaka esatu gyokka okuweza yiika obuwumbi obubiri mu 2008.

Ekyewunyisa kunsi 25 ezirima ebirime by'embala bino (biotech) kumi nattaano za mawanga agakyakula, so nga kkumi zokka ze ziva mu mawanga agaakula edda.

Ekirime eky'embala ekiggya kye bayita RR sukaali biiti (rr sugar beet), kyatuuka ku katale mu Amerika ne Kanada mu 2008.

Ate ensi ttaano, Misiri, Burkina Faso, Bolivia, Brazil ne Australia byatandika okulima ebimera bino (biotech) ebyaali byatuuka edda ku katale munsi endala. Ebikula ebyenjawulo (stacked traits) eby'ebirime by'embala byeyongedde okuba ebikulu mu birime by'embala (biotech).

Era ensi kkumi zaalima kumpi obukadde bwa hekiteya 27 ez'ebikula ebyenjawulo (stacked traits) eby'ebirime eby'embala mu 2008 era ne bikula mangu emirundi 23 ku buli kikumi okusinga eby'ekikula ekimu.

Omuwendo gw'abalima ebirime bino (biotech) gweyongerako akakadde 1.3 mu 2008, negutuuka ku bukadde 13.3 mu mawanga 25 okwetooloola ensi yonna – kyokka nga 90 ku buli kikumi oba obukadde 123 bwali bwa balimi abali mu kit i eky'abatalina byakukozesa bingi mu mawanga agakyakulakulana.

Ebirime by'embala bitumbudde enfuna n'embeera y'obulamu bwa balimi abaavu n'amaka gaabwe era nebikola kinene mu kukendeeza obwaavu -- bino byaava mu kunoonyereza okulambikibba mu Kiwandiiko Nnamba 39 nga kyoleka bino munsi Buyindi, China, South Afrika ne Bufilipino.

Ensi enkukunavu ttaano mu mawanga agakyakula nga ze zino: China, Buyindi, Argentina, Brazil, ne South Afirika ezirina omugatte gw'abantu obuwumbi 2.6, zeyongedde okuba ensaale kuzinnaazo nga ziyyita mu bimera bino era nga ziperereza amawanga amalala okukozesa ebimera bino. Era ebyomugaso ebiva mu birime eby'embala (biotech) bitumbudde omwoyo mu bafuzi ogwokwagala okukozesa ebimera bino mu bulamu obwa bulijo ne mu bizinesi munsi eziwerako.

Kyetulina okumanya nti ensi musanvu zonna ezomukago gwa Bulaaya (EU) ezirima kasooli owe kika kya BT zongedde ku hekiteya ze nnimiro z'ebimera bino mu 2008 nekyongera ebitundu 21 ku buli kikumi nekiba nga kiweza hekiteya 107,000 eze nnimiro ze birime bino.

Emigaso egy'ekitalo egiri mu birime eby'embala ku ntekateka ezenkulaakulana ey'enkalakkalira gitunuddwaamu mu bino wammanga:

- Okuyamba ku bungi bwe mmere y'abantu ne y'ebisolo awamu no muddo nga mwotwalidde ne bbeeyi y'emmere ensaamusaamu.
- Okukuma obutonde bw'ensi
- Okuyamba ku kukendeeza obwaavu n'enjala
- Okukendeeza ku bulimi obutayonoona nnyo butonde bwansi
- Okutaasa ku nkyukakyuka mu mbeera y'obudde no kukendeeza ku mukka oguleeta ebbugumu munsi (green house effect).
- Okuyamba ku kukola amafuta agava mu bimera mu ngeri etali ya buwanana
- Okutumbula ebyenfuna ebiwerera ddala obuwumbi 44 obwa dollar okuva mu 1996 okutuuka 2007.

Okutwaaliza awamu emigaso gino omusanvu giyambye kinene ku ntekateeka ezenkulakulana ezenkalakkalira era nga mu biseera ebija emigaso gijja kuba mingi.

Ku magoba ge nsimbi za dollar obuwumbi 44 wakati wa 1996 ne 2007, ebitundu 44% gaava mu makungula agaamaanyi, ate 56% negava mu kukendeera kwe emiwendo gy'ebikozesebwa (nga mwotwalidde ne nfissi ya ttani 359,000 ey'eddagala ly'ebirime).

Amagoba ag'akakade ka ttani 141 zandyetaaze ennimiro endala eza hekiteya obukadde 43 singa baali tebakozesa birime by'embala bino (biotech). Kino kyoleeka tekinologiya ono (biotech) bwali owomugaso ennyo mu kukekkereza ku nkozesha y'ettaka.

Mu nsi ezesigamye kukulima era nga zikyakulaakulana, ebimera eby'embala (biotech) gwe mutima gwenkulaakulana ye byenfuna yomubyaalo ate oluvanyuma nekiyamba nnyo okukulaakulanya ebyenfuna y'egwanga lyonna.

Abantu abasukka mu kimu ekyokubiri (55%) eky'ensi yonna bali munsi zino 25 ezalima hekiteya obukadde 125 ezebirime ebyembala mu 2008. Kino kyenkanankana nobutundu 8% obwa hekiteya akawumbi 1.5 ake nnimiro zonna munsi. Mu 2007, ebirime eby'embala byatangira obuwumbi bwa kilogulamu 14.2 obwomukka ogwe kika kya carbon dioxide. Kino kyenkanankana n'omukka emmotoka obukadde 6.3 gwezifuuwa.

Waliwo obwetaavu obwamangu okuteekawo enkola nga si za ssente nnyingi, nga tezimalira bantu budde, nga si nzibu nnyo, ate nga zija mu nsawo zensi ezikyakulaakulana.

Ensi 25 zikkirizza okusimba ebimera eby'embala, nendala 30 zikkirizza okusuubula ebikolebwa ebiva mu birime by'embala gamba nga emmere ya bantu ne bisolo, ensi ezo zonna awamu ezikkirizza enkola eno neziba 55.

Omuwendo gwa Akatale k'ebimera eby'embala munsi yonna mu 2008 gwaali ensimbi za dollar obuwumbi 7.5, era nga zino zalinnya obuwumbi bw'ensimbi za dollar 50 okuva mu mwaaka 1996 okutuuka 2008, okulinnya kuno kwakola ekyafaayo.

Entebereza yo mumaaso

Ku myaaka kkumi egyobusuubuzi bw'ebirime eby'embala, emyaaka omusanvu egisigaddeyo okuva mu 2006 okutuuka mu 2015 giraga essuubi.

- Entebereza yekitongole kya ISAAA gye kyakola mu 2005 nga egamba nti omuwendo gwensi ezikozesa ebirime by'embala (biotech) nobungi bwe nnimiro z'ebirime bino (hectarage) n'abalimi abagannyulwamu gujja kukubisaamu emirundi ebiri wakati we myaaka 2006 ne 2015, erabika eja kutukirira.
- Omuceere nga ekimera, nekikula ekyokugumira ekyeeya bija kuba omusingi omukulu ku nkulaakulana y'ebiseera ebyo mumaaso

Ekiwandiiko 39 kirimu eggulire eryenjawulo erifa ku kasooli ow'embala agumira ekyeeya . Kasooli ono asuubirwa okutuuka ku katale mu America mu 2012 oba nga tegunatuuka , ate mu nsi za Afirika eziri wansi we dungu lya Sahara attuuke yo mu 2017.

Ebisingawo bisange ku kiwandiiko namba 39 *Global Status of Commercialized Biotech/GM Crops: 2008*, ekyawandiikibwa Clive James.

Okumanyisibwa okusingawo kusange ku mukutu gwa Yintaneti oguyitibwa <http://www.isaaa.org> oba tuukirira ISAAA AfriCenter ku ssimu nnamba +254-20-4223618/15 oba SEAsiaCenter kwa, ku ssimu nnamba +63-49-536-7216, Email info@isaaa.org.